# CORONAVIRUS – BIKI BYEWETAAGA OKUMANYA KU MBEERA ERIWO MU KENYA (CORONAVIRUS - COVID-19)

**1. Waliwo omuntu yenna akakasiddwa nti alina Coronavirus mu Kenya?** essaawa eno omuntu omu akakasiddwa nti alina coronavirus. Bwoba osubira nti omulina oba waliwo gwosubira okuba nga amulina, oba omanyi omuntu yenna eyatambuliddeko munsi ezimulina mu nnaku ekkumi nenya eziyise, kubira minisitule yebyobulamu ku ssimu zino 0800721316 (tollfree); 0732353535; 0748592558.

**2. Coronavirus asasaana atya?** Coronavirus akwata okuva ku muntu omu okudda ku mulala ngayita mu kolola. So gezaako okwewala abantu nga weewa abbanga lya mita nga emu, tokwata bantu mu ngalo, kino kijja tuyambako okutangira ensasaana yaabwo

**3. nkoleki okutangira okwaata wamu nokusiiga abalala obuklwadde buno?**

- Weewale enkungaana
- Wemanyiize okunaaba mu ngalo ne ssabbuuni wamu namazzi agakulukuta
- Bikka mu mumwa nakatambaala nga okolola oba nga onyiza.

**4. Manya ntya nti nfunye obulwadde bwa Coronavirus?** Obubonero kwolabira nti ofunye obulwadde buno kuliko, okalubirirwa mu kussa, olusujjasujja, okolola,, okussa obubi wamu nokuziyira. Jukira nti mu mbeera eno osobola okufuna lubyamira, okulemererwa okussa, ensigo okulemwa okkola mpozzi era oyinza okufa.

**5. Nkoleki ssinga mba nga nfunye obumu ku bubonero buno?** bwofuna obumu ku bubonero buno, gezaako okwewala ebifo omuli abantu, sigala ewaka, kuba ku ssimu eno 0800721316 (tollfree) sigala ewaka nga bwolinda okubulirira ki ekiddako

**6. Nsobola okutambula ebweeru Kenya ebiseera bino ?** UNHCR tekiriziganya nakyakutambula wabweeru we ggwanga.

## Naaba mu ngalo

Naaba mu ngalo nga okozesa ssabuu ni namazzi agakulukuta singa engalo zo ziba nga zidduggala





Singa engalozo ziba teziraga nti ziddugala, era zinaabe ne ssabbuuni oba waraji namazzi agakulukuta

Weekuume obutasiiga balala

## Naaba mu ngalo



- ngomaze okolola oba okunyiza
- ngogenda okwaata ku mulwadde
- nga tonnaba, ngogenda okutegeka emmere
- nga tonalya
- ngova mu ttooyi
- singa engalo zo ziba ziraga nti ziddugala
- era mozzi ngomaze okwata ku bisolo

## Taasa abalala obutakwatibwa

Bwoba okolola oba nga onyiza bbikka ku mumwa nenyinndo ngokozesa akatambaala oba mu lukokola





Byokozesezza nga okolola bisuule mu kasasiro

Naaba mu ngalo ne ssabuuni wamu namazzi agakulukuta ngomaze okolola oba okunyiza



## Taasa abalala obutakwatibwa



Weewale okuliraana abantu singa obeera olina omusujja oba nga okolola

Towandula mu lujjudde





Genda mu ddwaliro singa ofuna omusujja oba okalubirirwa mu kussa. Nyonyola omusawo entambulazo bwezibadde

Source: WHO - https://www.who.int/emergencies/diseases/novel-coronavirus-2019/advice-for-public - This is an unofficial translation, prepared by UNHCR. Users are advised to consult the original English version.

Luganda version